ANDREW DDAMBA KIBUUKA

ENNYANJULA

Andrew Ddamba yazaalibwa mu 1974 e Makaayi Ssemuto mu Bulemeezi. Mutabani wa Kanyike Lawrence ne nnyina s

EMISOMO GYE

- Yasomera Kisubi Boys' Primary.
- Kololo Senior Secondary.
- Pride Academy
- National Teachers' College Nkozi.
- Makerere University gye yafunira Degree mu busomesa.
- Yafuna Diploma mu mu mawulire okuva mu Kampala University.
- Diploma mu Performing Arts Children's thearter mu U.K. Southern University College.
- Master's degree mu Educational Management and Leadership Trek okuva mu Walsh University U.S.A.

EMIRIMU GYE

- Musomesa era asomesezza mu masomero ag'enjawulo omuli Pride Academy (Music), Kitala S.S. (Luganda) ekiyambye eggwanga okufuna abantu abayivu abayambye mu kulizimba.
- Atendese abasomesa okugeza mu Ggaba Teachers' College, National Teachers' college Nkozi, Kampala University (Music) kino kyongedde okutumbula ebyenjigiriza kubanga abasomesa bano babangudde bagenda kusomesa mu masomero mangi mu ggwanga.
- Awandiise emizannyo egiri obubaka obwenjawulo ekiyambye okukyusa ku mbeera z'abantu awamu n'okubawummuza ebirowooza okugeza Jegejju, Akalaaca mu kkooti gulagibwa ku BBS, kkooti y'ekyalo, Awo olwatuuka

- Atandise Pulogulamu y'okusomesa abasomesa abakola Diploma Nursery Teaching ne Certificate ng'ali n'e Kyambogo University kino kiyambye okusitula omutindo gw'ebyenjigiriza kubanga n'abaana abo abato bagenda kutandika okusomesebwa abantu abakugu okwawukanako ne bwegubadde emabegako.
- Azannye emizannyo egigendereddemu okutuusa obubaka eri abantu okugeza 'The Hydra' ogulabula abantu ku kawuka ka mukeneenya, omunaala ng'ali ne Bakayimbira omuzannyo ogwoleka obukulu bw'olulimi n'emirala
- Azimbye amasomero okugeza Sancta Maria Junior School e Ntebbe Kitala mwabangulidde abaana b'eggwanga ne bafuuka ba mugaso era awadde n'abantu emirimu mu ssomero lino.
- Aweeredde abaana bangi abatalina mwasirizi na ddala mu busomesa mu kino abeera atumbula ebyenjigiriza awamu n'okuyamba abaana bano okubaako kye bagasa eri eggwanga
- Yatandika okusomesa abasomesa ba Secondary ku Old Kampala Primary ng'akwatagana ne Mubende NTC ng'ekigendererwa kye ekikulu kutumbula lulimi luganda kubanga Nkozi NTC yali egaddwa kyokka ye yali esomesa essomo ly'olulimi oluganda
- Memba ku lukiiko olukwasisa empisa ku Mubende NTC oluyambye okugunjula abaana mu ttendekero bwe batyo ne bavaamu abantu aboobuvunaanyizibwa abagasa eggwanga
- Yeetaba mu misomo egigatta abasomesa b'olulimi oluganda (LTA workshop) batyo n'akubaganyiza wamu n'abasomesa banne ebirowoozo ku ebyo ebisitula eggwanga.
- Akoze okunoonyereza ku bintu ebyanjuwulo mu lulimi oluganda awamu ne katemba. Okunoonyereza kuno kugasiza abayizi b'asomesa awamu n'eggwanga okutwalira awamu

- Agolodde ebibuuzo eby'abasomesa(ebya primary teachers college) mu music ebbanga eriwera kino ne kiyamba okwoleka omutindo gw'ebyo abayizi bye basomye awamu n'okutumbula ebyenjigiriza
- Y'omu ku bagezesa abayizi ng'abategekera ebibuuzo byabwe eby'akamalirizo (NTC mu music). Kino kyongera okulagaomutindo omuyizi ku atuuse mu by'asomye awamu n'okufuna ebbaluwa ezibasoboze okutandika okukola omulimu gw'obusomesa mu ggwanga
- Yaliko ssentebe wa Nkobazambogo mu National Teachers college Nkozi awamu n'omuwi w 'amagezi mu Nkobazabogo (MUK). Wano yasobola okutumbula ebyobuwangwa mu ttendekero.
- Mukiise ku lukiiko lw'ekyalo (LCI) mu Devon Kyambogo ng'ow'abavubuka. Ekintu ekyamusobozesa okutuusa eddoboozi ly'abavubuka ku lukiiko awamu n'okusitula omutindo gwabwe
- Ye yatandikawo ettabi lya Mubende NTC Lubiri High school Annex eriyambye okusembereza banna kibuga ebyenjigiriza ne bawona okutindigga olugendo lw'e Mubende kino kyongedde okutumbula ebyenjigiriza mu ggwanga.
- Y'akulira ettabi erya Mubende NTC Lubiri High School era akoze kaweefube munene okuddukanya emirimu gy'alyo n'okunoonya abayizi mu ttendekero lino
- Yakulirako katemba n'amazina mu kitongole ky'abavubuka mu Christ the King Church. Bwatyo n'ayamba okutumbula ebitone by'abavubuka awamu n'okutuusa obubaka eri abantu obukwata ku kawuka ka mukeneenya nga bayita mu katemba.
- Yatandika Akaliba akendo (Nkoba za Mbogo) mu Sancta Maria junior school mu kino asiga omutima ogwagala ebyobuwangwa mu baana abato awamu n'okubakuza nga babuvunaanyizibwa.

- Agabidde abaana sikaala mu ssomero lye ekibasobozesezza okufuna ebyenjigiriza bwe kityo ne kibayamba okuvaamu abantu aboobuvunaanyizibwa abagasa eggwanga
- Yaliko ku lukiiko olwatandika ekisaakaate kya Maama Nnaabagereka ekiyigiriza abaana empisa awamu n'ebyobuwangwa.
- Yali ku lukiiko olwatandika Buganda Royal Shield festival Ssaabasajja mw'alabikira eri amasomero ne gakola ebivvulu by'amasomero. Kino kiyamba mu kutumbula ebyobuwangwa awamu n'ebitone bya bayizi.
- Asanyusizza Ssaabasajja ng'ali ne Bakayimbira mu mizannyo nga Lubaale mubbe, egizimbiddwamu obubaka.
- Atabaganyizza abantu b'ekika kye ekiyambye okuleeta eddembe mu Buganda n'eggwanga okutwalira awamu.
- Munnamawulire w'ekika ababuulira ku bigenda mu maaso mu ggwanga awamu n'okubakumaakuma.
- Abuuliridde awamu n'okubudaabuda abantu mu nsonga ezitali zimu anti alina ebbaluwa mu guidance and counselling okuva e Makerere University.
- Yaweerezaako mu minisitule y'ebyenjigiriza e Mengo ng'ali wamu n'oweekitiibwa Sauda Namyalo.
- Aweereza Ssaabasajja ng'akola ku laadiyo CBS awamu ne Telefayina eya BBS era Pulogulamu zaweereza ziyambye okusitula omutindo gw'abantu mu Buganda ne yuganda okutwalira awamu okugeza Kapyata ku CBS guyigiriza abantu okukola.
- Atandise pulogulamu ezenjawulo ku TV okugeza, Awo olwatuuka ku Bukedde T.V. ekiyambye okukuza olulimi n'obuwangwa ng'ayita mu nfumo.
- Y'omu ku baatandika emipiira egigatta bannamawulire okusobola okubatabaganya bwatyo n'aleetawo obumu n'emirembe mu bannamawulire.

- Ye yatandika Uganda Nursery Music festival ng'avude e Bungereza ekiyamba okutumbula ebitone by'abaana abato mu kuyimba, okuzina awamu n'okuzannya. Yaweebwa ne certificate okuva mu ministry of education olw'okutandika okwo.
- Yasaba Omukulu w'essomero mu ssomero mwe yali erya Pride Academy olulimi oluganda lutandike okusomwa era ne lutandikibwa.
- Ddamba yakolako n'ekitongole kya Norway ekirwanirira eddembe ly'abaana era nga ky'ekitongole ekisakirira obwakabaka okuddukanya ekitongole kya Pewosa (Strammie foundation International) nga bakozesa emizannyo egy'enjawulo egy'abaana.
- Ali ku kakiiko akateekateeka pulogulaamu ezigenda okulagibwa ku telefayina ya Buganda (BBS) (Creative Committee) awamu ne Kafeero (Dr. T.) Mmambatefattama ne Ssembajjwe.
- Yali ku lukiiko olwayooyoota Namugongo ku majja ga Pope Francis. Ku lukiiko lw'amawulire, okuyooyoota kuno kwayongera okutumbula Namugongo ng'ekifo ky'obulambuzi.
- Yali ku lukiiko oluteesiteesi nga Nsambya babies home ekuza emyaka 25 awamu n'okunoonya ssente okusobola okuvujjirira emirimu gyayo ekiyambye abaana bano okufuna ebyetaago.
- Yakola n'abavubuka ba Christ the King ng'ali ne Fr. Ssebunnya Joseph Mary mu kubunyisa akabi akali mu kwegandanga n'akawuka ka mukeneenya era nga bakubirizibwa okugattibwa n'okunywerera ku babeezi baabwe.

AWO OLWATUUKA

Guno muzannyo ogwawandiikibwa Andrew Ddamba gulimu enfumo ezenjawulo awamu n'ebyobuwangwa ebiwera. Omuzannyo era gwetoloolera ku bwakabaka n'engeri gye bwaddamu /gye bwakomawo.

EBY'OKUYIGA EBIRI MU KITABO

Mu kuwandiika ekitabo kino Andrew Ddamba yagenderera okutuusa obubaka obw'enjawulo eri abantu be era bino bye by'okuyiga ebirimu;

- ⇨ Okuyigiriza abaana emirimu nga Nassaza ne Ssanylyamuzadde bwe baayigiriza abaana baabwe.
- ⇨ Okubeera abakozi so si kubeera nga Njabala eyagaana okuyiga emirimu n'atuuka mu bufumbo nga talina kyamanyi.
- ⇨ Okwewala omululu gw'ebyobufuzi si kubeera nga kkonkomebbi eyali ayagala okutta omulangira atwale obwakabaka.
- ⇨ Okussaamu obwakabaka ekitiibwa nga tumutwalira amakula ge okugeza Ssanylyamuzadde ne Nassaza baatwala amakula embuga.
- ⇨ Okwewala okuvuma abantu abatusinga na ddala abatuzaala si kubeera nga Nambwere eyavuma Kitaawe nti nkodomali.
- ⇨ Okubeera ab'emmizi nga Bukaddemagezi ne Ssanyulyamuzadde bwe baakuuma ekyama ky'omulangira alinze Nnamulondo.
- ⇨ Okwagala obuwangwa bwaffe nga tubussaamu ekitiibwa nga Bukaddemagezi bwe yali.
- ⇨ Okunyumiza abaana abato ebibazimba bwe batyo ne bavaamu abantu balamu okugeza Ssekanyumiza abanyumiza olufumo lwa Njabala.
- ⇨ Okukwata ebyo bakadde baffe bye batugamba si kubeera nga Njabala eyagaana okuwuliriza nnyina by'amugamba bw'atyo n'alemwa emirimu.
- ⇨ Okwewala ettemu so si nga kkonkomebbi eyayagala okutta omulangira bwatyo n'ateeka abantu bonna ku bunkenke.
- ⇨ Okubeera n'omukwano ogwa na maddala nga Ssanyulyamuzadde gwe yalina ku Nassaza.
- ⇨ Okumanya ensibuko yaffe awamu n'okutambula obulungi ng'abaganda okugeza Kasasa, Alimanya ne Namatovu balanya eri omutanda.

- ⇨ Okwewala okukola ebikolobero okugeza obwenzi, obubbi, obwamalaaya kubanga Katonda ajja kutubonereza.
- ⇨ Tuyiga okusonyiwa abo abatusobya okugeza Kabaka yasonyiwa Kkonkomebbi oluvannyuma lw'okwagala okumulyamu olukwe.
- ⇨ Okubeera abayiiya ng'abantu ab'edda abakumanga omuliro okusobola okwetaasa kun solo enkambwe.
- ⇨ Okubeera abawulize nga tukola buli ekitulagirwa ng'omumbowa bwe yawuliranga Kabaka.

ENGERI EKIFAANANYI KY'OMUWANDIISI BWE KYEYOLEKERA MU KITABO KYE

Omuntu yenna asoma ekitabo kino asobola okumanya Andrew Ddamba kyali ng'omwo mwe muli bye yettanira awamu ne by'akyawa era kino kye kifaananyi kye.

- ⇨ Musajja muganda kubanga ebyo by'annyumyako bisimbye amakanda mu Buganda okugeza enfumo awamu n'obwakabaka.
- ⇨ Ayagala obwakabaka era abissaamu ekitiibwa kubanga ekitabo kye kyetoloolera nnyo ku Nnamulondo na ddala ng'eziddwawo.
- ⇨ Amanyi ebyafaayo anti enfumo ezimu zawandiikako ziraga obulamu bw'edda ate era awandiika ne kukudda kwa Kabaka.
- ⇨ Musajja munnabyabuwangwa anti ebyobuwangwa by'Abaganda abiwa ekifo kya kumwanjo mu kitabo kye okugeza okufuma. Emirimu gy'Abaganda ng'okuyigga.
- ⇨ Alina eddiini kubanga mu nfumo zaanyumiza abaana Katonda tamubuusizza maaso na ddala mu lufumo lwe olwa nafaako ne nnamuka atwoleka ekibeera mu ggulu.
- ⇨ Musajja mukozi anti okukola akutwala nga kwa mugaso era akubiriza abaana okwettanira okukola mu nfumo ze.

- ⇨ Omuwandiisi musomesa kubanga teyeerabira kwogera ku bayizi bw'aba annyumya emboozi ye anti alaga ng'abayizi abanyooma abasomesa Katonda wa kubabonereza.
- ⇨ Alina omukwano okusinziira ku ngeri gy'atuzimbira oguli wakati wa Ssanyulyamuzadde ne Nassaza.
- ⇨ Munnakatemba kubanga omuzannyo gwe gufumbekeddemu ebikolwa bya Katemba ebiguleetera okunymya okugeza akakuubagano wakati w'omumbowa n'omulangira.
- ⇨ Muwandiisi mulungi ow'emizannyo okusinziira bw'asengesemu omuzannyo gwe ng'aguteekamu abazannyi abenjawulo ate nga buli omu yeetuusiza obubaka.

EBYOBUWANGWA EBRI MU MUZANNYO

Ebyobuwangwa by'Abaganda bikutte ekifo kya ku mwanjo mu kitabo kya Ddamba kino era kimufuula Omusajja assaamu ebyobuwangwa ekitiibwa. Bino bye byobuwangwa by'awandiikako;

- ⇨ Mulimu obufuzi obw'obwakabaka era ng'omuwandiisi alaga nga Kabaka alina obuyinza ku bantu be era nabo bamussaamu ekitiibwa.
- ⇨ Alaga obulombolombo obw'enjawulo okugeza omulangira anaalya obwakabaka okwekebwa okutuusa ng'akaseera akatuufu katuuse.
- ⇨ Enzijjanjaba ey'ekinnansi okugeza kitaawe wa Njabala ekisubi bwe kyamusala mukyala we yamunoonyeza ekikoola kya ttaaba.
- ⇨ Eŋŋunjula y'abaana okugeza abaana abaatayagalanga kukola nga bakubwa mu ate era ne Nassaza yayigirizanga abaana empisa y'okubuuza.
- ⇨ Awanduka ku mizannyo gy'abaganda okugeza Ssonko n'okubaka amayinja gino Njabala yagyettaniranga nnyo.
- ⇨ Emirimu gy'Abaganda tagisudde muguluka okugeza Okulima n'okuyigga nga bino byeyolekera nnyo mu maka ga Ssanyulyamuzadde.

- ⇨ Ekyoto ky'Abaganda anti kyakumwanga okugoba ensolo awamu n'okunyumizaako engero ezizimba abaana.
- ⇨ Okutuuza Kabaka ku Nnamulondo okugeza Ssanyulyamuzadde aggyayo ekisumuluzo awamu n'engugu omulangira alinze n'atuuzibwa ku Nnamulondo.
- ⇨ Obukulu bw'ebivuga okugeza ennanga yeeyambisibwa mu kulanga.
- ⇨ Entuuma y'amannya nga gagenderera okuggyayo amakulu agenjawulo okugeza Bulidda (nga bategeeza obwakabaka bulidda).
- ⇨ Mu muzannyo mulimu okulanya okugeza Kasasa alannya obuvo n'obuddo bwe ng'alaga nti mutabani wa Ddamba Andrew.
- ⇨ Mu muzannyo mulimu okufuma okugeza Ssekanyumiza yannyumizanga abaana enfumo okugeza olwa Njabala.
- ⇨ Omuwandiisi atulaga okuyimba mu buwangwa bw'Abaganda okugeza kasita abaana baalemererwanga okufuna otulo nga babayimbira "Tulo tulo kwata omwana…"
- ⇨ Enzikiriza ez'enjawulo okugeza Kabaka ayogera ne Katonda. Y'ensonga emutunuza waggulu buli kaseera.
- ⇨ Mu muzannyo mulimu amazina Amaganda nga bazinira Kabaka.
- ⇨ Okuwere mu maaso g'omutanda.
- ⇨ Okutwala amakula embuga okugeza Ssanyulyamuzadde yatwala amakula embuga awamu ne Nassaza.
- ⇨ Empisa y'okulamusa abagenyi okugeza abaana ba Nassaza baalamusa abantu.
- ⇨ Okutontoma
- ⇨ Olulimi okukozesebwa ate nga bwa nnyonnyola n'ebigambo ebizibu okugeza eggwaatiro,
- ⇨ Ennyambala.

ABAGANNYULWA MU KITABO KINO

Bw'osoma omuzannyo guno olabira ddala ng'abantu bangi omuwandiisi be yayagala okutuusaako obubaka era nga bano bawandiikira.

- ⇨ Abazadde bano omuwandiisi abakubiriza okugunjula obulungi abaana baabwe nga babayigiriza empisa zoobuntu nga Nassaza bwe yakola ababe.
- ⇨ Abaana abato bano bayiga okubeera abakozi n'okussaamu bazadde baabwe ekitiibwa si kubeera nga Njabala eyalemwa okuyiga emirimu.
- ⇨ Abantu abakulu omuwandiisi abakubiriza okunyumiza abaana abato emboozi ezizimba nga Ssekanyumiza ze yannyumizanga abaana.
- ⇨ Abakulembeze; Bano bayiga okusonyiwa be bakulembera na ddala nga babasobezza nga Kabaka bweyasonyiwa kkonkomebbi olw'okwagala okumulyamu olukwe n'okumutta.
- ⇨ Abakulemberwa

Ebibuuzo

1. **"Obwagazi bw'eggwanga bwesigama ku kulwanirira n'okukulaakulanya eggwanga omuntu kw'akola". Weesigame ku buweereza bwa Ddamba olage obwagazi n'obulwanirizi bw'eggwanga bwe bweyolese obulungi.**

- Okusomesa mu masomero ag'enjawulo.
- Afubye okweyongerayo okubangulibwa mu bintu ebyenjawulo asobole okwongera okugasa eggwanga lye.
- Okubeera mmemba mu bibiina eby'enjawulo.
- Awandiise ebitabo ebiwerako.
- Azadde abaana.
- Ajjumbira nnyo okunoonyereza.
- Okwenyigiranga mu nkiiko za LC .
- Atambudde mu nsi nnyingi n'asakayo amagezi agayambye eggwanga lye.
- Alabudde abantu ku ndwadde ya mukeneenya.
- Atendese abasomesa

- Atandise ebibiina ebigasa abantu (Kids Uganda)

2. **Ggyayo ebintu eby'enjawulo ebiraga engeri Ddamba Andrew gy'afubyemu okukulaakulanya eggwanga lye.**

- Ekyokuddamu kyesigamizibwe ku ebyo Ddamba Andrew gy'afubyemu okukulaakulanya eggwanga lye.
- Awandiise ebitabo ebiwerako.
- Asomesezza mu bifo ebiwerako.
- Atendese abasomesa
- Aweereza pulogulaamu ku Laadiyo ne TV
- Atandise pulogulaamu ku laadiyo ne TV okugeza Wakulennume.
- Yali ajjumbira enkiiko za L.C. eza wansi n'ayamba okukulaakulanya ekyalo.
- Ddamba munnaddiini yawanga ebirowoozo mu masinzizo ne biyamba okukulaakulanya.
- Yatambulako mu mawanga ag'ebweru n'asaka amagezi ge yeeyambisa mu mirimu gya Uganda.
- Mufumbo ekiwa abalala ekyokulabirako.
- Yazaala abaana n'abakuza era baamugaso eri eggwanga.

3. **Ng'oggyeko okukulaakulanya olulimi oluganda, nnyonnyola ebintu ebirala Ddamba by'alabika okukulaakulanya.**

- Ekitongole kya katemba.
- Abasomesa b'oluganda.
- Abawandiisi b'ebitabo.
- Abatendesi babasomesa

- Abazannyi bakatemba
- Amasomero n’abagakulira.
- Abavubuka abeezimba.
- Obujjumbize bw’abantu eri eddiini zaabwe.
- Obuvunaanyizibwa bw’abazadde eri abantu baabwe.
- SObuwangwa bw’Abaganda.
- Abaana abasoma.

4. **Nnyonnyola ensonga ezisaanyiza abantu b’omulembe Omutebi okwongereza ku buweereza bwa Ddamba eri eggwanga lye.**

- Eky’okuddamu kyesigamiziddwa ku mirimu gya Ddamba eri eggwanga lye n’ensonga lwaki gisaanidde okutwalibwa mu maaso.
- Balina okuzaala abaana okuzimba eggwanga.
- Okusomesa. Okuweerera abaana babe ba mugaso.
- Okwenyigira mu bukulembeze bw’amasomero gaddukanyizibwe bulungi.
- Okuwandiika ebitabo obubaka obubaamu buzimba abantu
- Okunoonyereza ku bintu ebitali bimu nakati kwetaagisa.
- Okutendeka abasomesa, eggwanga libeetaaga.
- Okutandika kwenyigira mu mirimu gy’obukiiko obufuga amasomero kwetaagisa okutebenkeza amasomero.
- Okwetaba mu bukiiko obukulembera ebitundu okusobola okubitebenkeza.
- Okukuŋŋanya n’okuwandiika amawulire; gamanyisa n’okuzimba abantu mu bintu bingi.
- Okuyiiya emizannyo egirimu obubaka.